# Zimba ekitone

## Obuwanguzi obw'amangu butta ekitone

BWE kituuka ku mupiira gw'abaana, kyangu nnyo okukwatibwa mu ssanyu ly'okuwulira obuwanguzi. Mazima kinyuma okuwangula. Okuva ku bazadde, abazannyi n'abatendesi balimu okufiiririra wiini. Wabula ekigendererwa ekituufu eky'emizannyo gy'abaana kisukka ku kuwangula oba okukubwa. Ekigendererwa ekituufu kiri mu nkulaakulana y'abazannyi, n'okubayigiriza ebintu ebituufu ebivaamu obuwanguzi obw'olubeerera.

Ensonga enkulu lwaki omuzadde atwala omwana we mu akademi kwe kumuyamba okuyiga, okukula, n'okunyumirwa omuzannyo guno. Okuwangula kuyinza okusanyusa n'okuwa essuubi, naye singa kifuuka ekintu kyokka kye bassaako essira, abazannyi abato basobola okubulwa ekigendererwa lwaki bazannya.

Enkulaakulana y'obutendesi mu mizannyo gy'abato eteekeddwa kukulembeza okukula kw'abazannyi okusinga obuwanguzi obw'amangu. Essira lirina kuteekebwa ku bukugu bwabwe, okwekkiririzaamu, n'okusalawo okuzimba obuwanguzi obw'ekiseera ekiwanvu.

Obulabe obuli mu kwagala okuwangula okusinga okutegeka omuzannyi mulimu; okusuulirira abazannyi abamu ng'omutendesi ayagala kukozesa balungi bokka afune wiini. Abazannyi abamu oluusi bava wano ne batandika obutekkiririzaamu. Kiteeka puleesa ku baana ne kiviirako abamu okwetamwa omuzannyo.

Omutendesi alina okuleeta enkola egatta okuwangula n'okukulaakulanya ekitone. Balina okuyingiza abazadde mu kutendekebwa nga bababuulira ebimu ku birina okukozesebwa okukuuma ekitone ky'omwana omuli okwegendereza embeera ze n'omubiri.

*Mugerwa mukugu era musomesa w'abakung'aanya bwino n'ebibalo by'omupiira (stats). Yazannyirako Maroons, Kibuli SS, Ekika ky'Enkima, Essaza Mawogola ne ttiimu y'eggwanga eya U20. Ye nnannyini Prostat Academy. Ali ku ssimu 0774498980*



**Richard Mugerwa**

